# Omuzadde fuuka eky'okulabirako eri abaana bo

Andrew Sseruyange, omuzadde ow'abaana abataano e Mengo awayizzaamu ne Bukedde ku ngeri gy'osobola okukuzaamu abato ab'ensa ate abawa ekitiibwa abantu abakulu. Agamba nti:

- Omuzadde fuuka eky'okulabi rako : Mu kino omwana agunjuka akulabirako. Yogera naye mu ngeri enzikakkamu n'ekisa ne bwe wabaawo obutabanguko mulage engeri y'okubugonjoolamu.
- Yigiriza omwana engeri gy'awuliramu eri abalala. Okugeza bw'aba alina gw'avumye, omuzadde mubuuze nti, ddala singa bavumye ggwe waaliwulidde otya? Kino kiyamba okukuza omwana afaayo eri abantu.
- Teekawo ebiragiro eby'enkomeredde ku mwana, omuzadde bw'aba akyukakyuka, kino kibuzaabuza omwana na ki ky'ateekeddwa okugoberera.
- Obw'olumu obutakozesa bigambo bikaawu eri omwana, ayigirako obutabikozesa ku bantu balala.
- Muyigirize okuwuliriza abalala kimuwe omwagaanya okugoberera ebyogeddwa abalala obutabayisaamu lugaayu.
- Gololа ensobi mu ngeri enzikakkamu, buuza omwana lwaki akikoze era bwekiba kyetaagisizza tuula naye mukubaganye ebirowoozo ku ki, na wa we kivudde olwo omubuulirire.
- Omwana muwe obulimu obutonotono omubuzaabuza ate bw'aba abumaze mulage nti, osiima.
- Okuwa ekitiibwa endowooza y'omwana kikulu nga onoomugunjula. Ky'akugambye kiwulire era mukiteeseeko.
- Muyigirize okwetonda : Okugeza ekigambo nsoyiwa kikulu ate naawe gw'akosezza mulage nti, omusonyiye. Kino kissa mu mwana okubeera n'empisa.



Andrew Sseruyange.

- Yigiriza omwana okusoma ebyawandiikibwa ate omunnyonnyole kye bitegeeza nga mu kino oba omuyigiriza ddiini.
- W'asobezza mugunjulirewo ate omubuulire ky'akoze ne kye kisobola okuleeta mu bulamu bwe.
- Kozesa obukodyo obutalumya mwana naye nga bumugunjula okubeera ow'empisa.

Edda abazadde baabakubisanga liiso, bwe baakutunuuliranga, ng'omanya ki omuzadde ky'ategeeza era ky'ayagala okukola ekitakyaliiwo kati.

- Lwawo okumuwa ebirabo, newankubadde oteekeddwa okumuwa ekintu naye omwana bw'aba akoze ensobi ky'obadde ogenda okumuwa leero kyongezeeyo ku lunaku olulala bw'aba nga waakutegeera tasobola kuddamu nsobi ze.

Wano osobola n'okumugaana okukola ekintu ky'asinga okwagala okugeza okumugaana okulaba akazannyo k'asinga okwagala ku ttivvi, emizannyo n'ebirala okulaga nti, onyiize era omubonereza obutaddamu ky'asobezza.

- Okweddaabulula : Mu kino osobola okugamba omwana nti, kati twezze buggya mu ngeri y'okumuwa omukisa omulala naye kino okikola omukomekkereza ku ky'abadde asobezza.
- Ng'omuzadde osobola okwewala omwana, kino kimuwa ebibuuzo lwaki maama oba taata takyanjagala oba obutanfaako. Bw'akubuuza ng'omubuulira kye yakoze. Asobola obutakiddamu ng'atidde bazadde be okumukyawa.
- Omwana bw'akuvuma mugambe 'akiddemu' emirundi mingi ng'akuvuma. Mu ngeri y'okuswala tasobola kukiddamu. Kino kya kuyigiriza mwana kuwa bantu kitiibwa.

Bw'olaba omwana ng'afunye obusungu obungi, muwe emirimu gy'okukola, kino kigenda kumukkakkanya.

Eddoboozi ly'omuzadde eriraga obutali bumativu; oluusi kyetaagisa okumuboggoleramu okulaga nti, ky'akoze si kituufu.